**P360/3**
**LUGANDA**
**Paper 3**
**July 2023**

# LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION

## *(UACE)*

## Litulica Mu Luganda

## Essaawa ssatu (3)

**Ebigobererwa:**

- *Olupapula luno luganyiziddwamu ebitundu bisatu:* **A**, **B**, *ne* **C**.
- Ddamu ebibuuzo **bina.**
- *Mu kitundu* **A** *ne* **C** kolamu ekibuuzo **kimu kimu.**
- *Mu kitundu* **B**, *ddamu ekibuuzo* kya **puloozi** *n'ekirala* **kimu** *okuva mu* **bitontome**.

### EKITUNDU A: ENGERO ENJIIYE

Kola ekibuuzo kimu kyokka mu kitundu kino.

**Ssemwanga Kivumbi Bantubalamu: GW'OLULAMBUZA**

1. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.
   "….Lumu nnyabo bwe yalaba kimuyitiriddeko n'ankangulira ku ddoboozi nga bw'ambuuza ekinnyingizanga amatumbibudde nga nnyinimu ng'ate ne ku ssomero navangayo nga bukyalaba, olwo mukazi wattu ne mmulimba nga Nsanja ow'e Kyaggwe eyalimba Ssekabaka Mwanga amasanga , nti ….., naye ye mukazimukulu anzisa akasiiso ow'endali k'assa omwekukumi nga bw'atuukiriza n'olugero olugamba nti, 'Omulimba asanga mukiriza ……….'.

   **Ebibuuzo:**

   (a) Ekitundu kino kisimbuddwa mu ssuula ki? ***(Akabonero 1)***

   (b) Nyonnyola ensonga bbiri ezirimbisa omwogezi mu ssuula eno. ***(Obubonero 4)***

   (c) Nyonnyola essomo abantu abatali bamu lye baggya mu ssuula omuggiddwa ekitundu ekyo waggulu. ***(Obubonero 18)***

2. "Kale nno banywanyi mukkirize nti ensi si nyangu, teri ayagaliza munne kubeera bulungi…………., ebisinga obungi byantuukako wano mu myaka gy'enkumi ebbiri ate ekyennyamiza nga abaabintuusaako baali bange bwoya. Kale ensi bw'etyo….!".

   **Ebibuuzo**

   (a) Ebigambo ebyo bisimbuddwa wa mu lugero Gw'olulambuza? ***(Obubonero 3)***

   (b) Nga weesigama ku biri mu lugero leeta era onyonnyole ensonga (11) eziraga nti ddala ensi si nyangu era teri ayagaliza munne kuba bulungi. ***(Obubonero 22)***

**Nkata Musa Mutyaba: AGAMYUKA OMUTEZI**

3. Nyonnyola engeri omuwandiisi w'olugero Agamyuka omutezi bwe yeeyambisiza ebigenda mu maaso mu lugero okutulaga ensi y'olugero bw'efaanana. ***(Obubonero 25)***

4. "………. Bwe tutaafube kukwasa bannabyabufuzi mpisa nga twolesa obuziina bwabwe tujja kuba ng'abalidde mu ggwanga lyaffe olukwe……..".

   i. Ani ayogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu ssuula ki? ***(Obubonero 3)***

   ii. Mbeera ki evuddeko omwogezi okwagala okukwasisa bannabyabufuzi empisa? ***(Obubonero 4)***

   iii. Nyonnyola bulungi engeri obuziina bwa bannabyabufuzi gye bulagiddwa mu lugero. ***(Obubonero 18)***

CamScanner

**Kola ekibuuzo nnamba 5, n'ekirala kimu okuva mu bitontome.**

5. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**Nasalwa:** Aloo, aalo…. Gyendi ssebo, osiibye otya ssebo. Oba ani ono?

***Kikula:*** *Hmm, nze Kiiku wo ow'edda. Gyebaleko nnyabo.*

**Nasalwa:** Ggwe ki Kikula, ani yakuwadde essimu yange? Kati weewoomereza nkole ntya? Nakukoowa. Nnyini, 'Nze Kiiku wo ow'edda'…. Situpedi, senzi, wantama, swayini, wansina, nakwegoga, kyokka olemeddeko!

***Kikula:*** *Mukwano, ebigambo bibe bitono. Tokyusanga mu njogera? Kwe kugamba we wakoma w'otandikidde? Nze ne bw'ononderembula, mmanyi nze wuwo leero na bulijjo. Obulamu obusanga otya mukwano?*

**Nasalwa:** Weegonza nnyo nga gwe bagamba. Enjogera yange y'eyo, ggwe ontaankuula. Genda ogunjule bakazi bo n'ab'ewammwe. Nze nzigya mu lukunkumuli lw'abo b'obala okuba ababo. N'obulamu bwange tebukukwatako. Weeyogeza nnyini mbu mukwano! Genda okwaniririze muli.

***Kikula:*** *Naye Naasa, kakkana. Munno ne wayita ebbanga nga takuwuliza, omwoyo ne gumuluma, akasimu n'akawulugumya amanye bw'oli kyokka ggwe….*

**Nasalwa:** Kaabulangane ogwoyo okukuluma. Essimu ziwulugumize emiswaswangule gy'abakazi bo, so si nze. Gakulemye kulowooza ku kusoma kwa nkuti yo gye wanzaalamu ozze mu kwegondeza ku nze! Oba taasome nga ggwe, nga nakyo okyogera.

***Kikula:*** *Kati naawe oli muswaswangule? Kuba ggwe omu ku bakazi bange munnange! Mbuuza bubuuza. Mukwano Naasa eby'omwana oyo jjukira tetwabimaliriza bulungi. Kareechezi, omulaalo wa muliraanwa naye yali abirimu nnyo, okusinziira ku byogerwa ku kyalo. Watya nga tugenze okwekebeza endagabutonde tumanye ekituufu?*

**Nasalwa:** Naye kasajja ggwe, omwo mwe wayimpawayira ng'enje n'amagezi go mampi! Wagenda okunsigula ewa Dawudi nzije nfumbe ewuwo wansanga n'olubuto? Olubuto okunjoyesanga amata Kareechezi omulaalo n'agandeeteranga kitegeeza kumwagala?! Kano akatwe k'omwana ak'empumi ng'ate emabega kaasongola ng'ak'enseenene n'embaliga byonna by'olina bitwetaagisa kugenda mu musaayi? Amagezi bw'oba tolina, weewole amatonotono otegeere, olabirire era osomese enkuti yo!

***Kikula:*** *Mukwano Naasa, tonvuma bw'otyo. Nze eby'omwana mbyogeddeko okusinziira nga bwe mpulira mu mutima ng'omusajja. Mbadde kale njagala ondagirire bulungi w'opangisa mu tawuni, kati nfuneyo dimansi oba enzingu nga ziizo nzije neetegereze bulungi akatwe n'embaliga z'omwana oyo kuba kati ndudde okumulabako.*

**Nasalwa:** Hehehe… nkakutemye. Nze Nasalwa waabwe nkulagirire we mbeera, ssebo omale ennaku nga weetegereza omwana! Olwo ng'ozimala ozungira w'ani? Weewunze nnyo!

***Kikula:*** *Ee, nga nzimala nzungira era nneegololera mpolampola awo ewuwo ku nsonga z'omwana.. era..*

**Nasalwa:** Naye bannange, simanyi olina bye wanywedde ng'ogenda okunkubira essimu nga bye bikuli ku lutwe olw'empumi oba baakuloga katawaano?

***Kikula:*** *Ee, bwe baba baakandoga era ggwe waakandoga. Nze ekinnaawuula okukubira essimu olowooza nkimanyi? Nange ndabira awo.*

**Nasalwa:** Zikusanze ezaasanga lumonde mu ttaka. Lwaki ekikunaawuula tekikutuma kukubira Meega oba Bulawuni gye wagunywanga n'osulayo?

***Kikula:*** *Naye bannange Naasa, lwaki onsibako abantu abo? Nakugamba okusula ewa Meega yali nkuba eyansangayo akawungeezi nga ngenze okumukubagiza okufiirwa omwana, ne ntya okuyita mu kakko awo we batemulira abantu ng'obudde buziimedde. Ye Bulawuni, omukwano gwaffe gwali gwa kunnyanguyiza kumpolanga ssente nga nfunye obuzibu, ate era nga ggwe ozirya, ate olumu nga zimbuze okumusasula n'azinsonyiwa naye ggwe…..*

**Nasalwa:** Nyumya nnyo folofotto mbu endeku ewunya amalusu, mbu ssebo awunya nnyabo oba nnyumirwa. Ambejjagalira nnyini malaaya ze. Na kati genda bakuwole ez'okulabirira enkuti yo, n'okusulayo osuleyo, senzi! Nze mpeereza ssente z'omwana, vva mu bitangasa.

***Kikula:*** *Kati okukuweereza ssente anti…………………*

**Nasalwa:** Nti ogenda kuweereza ddi ssente, eki …..? Kaggyeeko essimu, akasiraani aka!!



CamScanner

## EBIBUUZO

i. Nyonnyola ku bintu ebigatta abantu abali mu mboozi eno. *(Obubonero 6)*

ii. Mu kitundu ky'osomye, omu yeetamwa munne, nsonga ki ezifaanana okwesigamwako okumutamwa? *(Obubonero 7)*

iii. Nyonnyola n'ebyokulabirako enzimba y'ekitonde ekikazi mu kiundu ky'osomye. *(Obubonero 8)*

iv. Nyonnyola ku lulimi olweyambisiddwa mu kitundu ky'osomye. *(Obubonero 4)*

**Kizza Mukasa J: OMULYA MMERE KKOYI**

6. Soma ekitontome kino wammanga n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

### EBISEERA BY'OBUVUBUKA

1. Bavubuka mbabuuza mmwe,
Lino ṣo evvubuka lyammwe,
Nga libasunda nnyo mmwe,
Libakozaakoza ogwejo ogwo,
Kumpi kulinnya majoba ago,
N'eziyitamu mu bbanga eryo,
Lwa myaka egy'evvubuka?

2. Nga mutwekolerako effujjo,
Ffe ababatadde ku nsi eno,
Bwe tubatuma emirimu era,
Ne mutukimba ng'ente ezo'
Ffe nga tubyefiiriza ebingi,
Ne tubatwala mu ssomero,
Babatubangulire obwongo.

3. Engatto zetuguze leero,
Muzirinnya nga ssapatu,
Ne muzisimba emigere,
Ne zibanduka olw'enkya,
Nga ffe okuzigula wattu,
Twekuula buwaafu obwo,
Mmwe tubanyirize abaana!

4. Laba agalenzi gaffe mmwe,
Tuzeenyiyiddwa ezammwe,
Empale ezo zimudeebeedo,
Ze musibira mu nkugunyu,
Ne zibootaboota emabega,
Nga ze mutaddemu ebbonda,
Ery'omu bumugwanya buli!

5. Abalenzi mmwe mbabuuza:
Mwaggya wa guno omutima,
Ogw'okuwummula empami,
Ez'omumatu n'enyindo?
Zandibadde ez'edda ziri,
Kuba zo zaali zansonga!

6. Bavubuka mmwe abawala,
Nammwe sibasudde wala,
Mwekola bikyamu ddala,
Nga gannyinammwe gali,
Ne mwevumaganya ekkyala,
Erya Buganda enneesimbu,
Nga mweggya ku bazadde ffe.

7. Ffe kaabuvubuka tumumanyi,
Nti y'abawaga ennyo bannaffe,
Naye mumanye mwenno nti,
Naffe gye muli gye twasooka,
Naye tetubangako nga mmwe,
Mweyisenga nno bulungi kale,
Mmwe mutuweese ku ttiibwa.

**Ebibuuzo**

a) Nyonnyola emiramwa ena (4) egyesigamiddwako mu kuzimba ekitontome kino. *(Obubonero 8)*

b) Leeta emisono gy'olulimi gya mirundi ena, onyonnyole bwe gyeyambisiddwa mu nzimba y'ekitontome. *(Obubonero 8)*

c) Leeta ensonga ssatu (3) ezinyonnyola lwaki omutontomi mu sitanza eyoomukaaga (6) yeeyambisizza ekigambo 'Bavubuka'. *(Obubonero 6)*

d) Olukusa lw'omutontomi lweyolekedde lutya mu kitontome kino? Leeta ensonga 3 *(Obubonero 3)*

7. Weesigame ku bitontome eby'enjawulo onyonnyole obusomesa bwa Kizza Mukasa ku byobuwangwa bwa Buganda engeri gye bweyolekedde mu katabo Omulya mmere kkoyi. *(Obubonero 25)*



CamScanner

## Ssematimba Hugo Barlow: ABOOLUGANDA AB'ENDA EMU

8. **Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.**

**LEETA PEESA (1984)**

1. Bwe mpawamuka ekiro mu ttumbi
Olw'ebyo ebijja bisaaliitira ku nnyumba
N'ebinene ebyedomola ng'ebisiki
N'amasasi agabwatuka nga laddu
Omutima ne guntundugga
Omubiri ne guneemiima
Ennyingo ne zinsannyalala

3. Omuntu aliwona ddi sematalo
w'emmundu n'ensimbi?
Ssebo ekiro eyo mu ttumbi Leta peesa!
Oluzuukuka nga sinnatemya Leeta peesa!
Buli luguudo gye ngenda Leeta peesa!
Bwe ntuuka we banjaliza Leeta peesa!
Buli wamu ne nteegwa Leeta peesa!
Ssebo sirina nsimbi
LEETA PEESA

3. Bwe mbulwa ensimbi miggo gye nsakatwa
Bwe nsabwa ekitambulizo ne 'kyai' kwabirigwa
Ne nsabwa sigala ng'ate waakifuba!
Olwo tuliwanjagira obulumi
Ffe abataliiko naayasira!

4. Gwe ansaba peesa n'ekifuba wulira kye ngamba
Ssebo nze gw'ojooga nze nasasula omusolo
Emmundu gye nagula kweweeyinulira enjooge
Amasasi aga 'doola ' g'owulugumya ne bukya

5. Bw'onumba ekiro mu nnyumba n'ofuuka ekyerolerwa
'Ladio'kaseti z'oyagala baziweeseza mitala
'Miliyooni ' z'onkanika sirina nze gyenzikola
Omutwalo bwe ngukuwa mba nsigazza za biraka
Ye 'Banka' zaawa ezimpokera wayite bbiri ozinone
'' Kale situla emigugu '' nga nnyinimu gw'olagira!
Ssebo joogo lya ngeriki n'omegga ate n'okuluma!

6. Abakaaba amaziga tobasangula obalumya
Omufu ne bw'omulaba amabugo n'ogakima
Enfuuzi n'ozirumya olw'omulugube omuwemu
N'otulugunya obuwere n'omukadde ow'ekikumi
Ggwe ssebo oli wangeri ki tewazaalibwa mukazi?

7. Jjukira by'okola ebisobu Liisoddene abiraba
Era mu kiseera kye yagera mw'alikuyungulira amaziga
Kuba obulamu bwa munno ne bw'aba mukadde nyo
Tebugulibwa peesa wadde zaabu ne feeza.

**Ebibuuzo**

a) Obukugu bw'omuwandiisi w'ekitontome kino bweyolekedde butya mu nzimba yaakyo? ***(Obubonero 10)***

b) Nyonnyola embeera za mirundi ena (4) omusomi z'afuna nga asoma ekitontome kino. ***(Obubonero 4)***

c) Leeta esonga nnya (4) ezinyonnyola lwaki omuwandiisi addinnana olunyiriri olugamba nti ''leeta peesa'' ***(Obubonero 4)***

d) Olukusa lw'omutontomi lweyolekedde lutya mu kitontome kino? Leeta nsonga 6. ***(Obubonero 6)***

9 Abavubuka b'omulembe guno abanyumirwa ebyafaayo baganyuddwa batya mu bitontome bya Hugo Ssematimba Barlow ebiri mu katabo Aboolugandа ab'enda emu? ***(Obubonero 25)***

## EKITUNDU C: EMIZANNYO

### Waalabyeki Magoba: NAMULANDA

10. Soma akatundu kano wammanga n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaako:

"Ee – embwa, eggwanga eryavu okufaananako n'embwa lizinira ku ntoli za bagagga.
Ate eggwanga ezzimbire ku bulimba liba limajenjeeke nnyo nga okugulu kw'ejjenje, nga lyatuuse kusasika liti n'atemya alwaw"

a) Ani ayogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu kitundu ki eky'omuzannyo? ***(Obubonero 5)***

b) Nyonnyola engeri obulimba obweyolekedde mu muzannyo Namulanda gye buviirako ensi y'omuzannyo okufuuka majenjeeke. ***(Obubonero 20)***

11. Nga weesigama ku biri mu muzannyo Namulanda, nyonnyola bulungi ebintu eby'enjawulo abasomi n'abalabi baagwo bye basaana okutuula ne beekubamu ''ttooki'' ***(Obubonero 25)***

### Mercy Mirembe Ntangaare: SSEMITEGO OMUYIZZI KKUNGWA

12. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero yaakyo

"........Baana bange simanyi bwe nnaakibagamba, ne kye naakola sikimanyi kati ndi mukolimire, ndi muzimu omuvumirire, nasaliddwa dda omusango, ne gunsinga ne nsindikibwa mbeere mu ttale, era ng'okufa kye kibonerezo ekingwanira".

**Ebibuuzo**

a) Ani ayogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu kitundu ki eky'omuzannyo? ***(Obubonero 3)***

b) Biki ebivuddeko omwogezi okugwanira ekibonerezo ky'okufa? ***(Obuboero 4)***

c) Ssomo ki omuwandiisi ly'abikkulira abasomi be okuva mu kitundu ky'omuzannyo kino? ***(Obubonero 18)***

13. Embeera z'abantu, n'obulamu obwa bulijjo byeyolekedde bitya mu muzannyo Ssemitego omuyizzi kkungwa? ***(Obubonero 25)***

******Bikomye wano******



CamScanner